GERALD KIKULWE



Kazibwe (wakati) mu ssaati enjeru ng'awaayo ebikozesebwa. Ku ddyo, ye Simon Mugabi

# Bawagidde ekisaakaate ky'emizannyo

Bya GERALD KIKULWE

ENTEEKATEEKA z'ekisaakaate ky'emizannyo ekya 'Future Stars 10 days Multi-sports residential training holiday camp' ekigendereddwaamu okuzuula n'okuwawula ebitone eby-enjawulo, zeeyongeddemu ebbugumu. Kiddiridde aba Chapa General Enterprises Limited abakola Prestige okuwaayo ebikozesebwa n'ebirabo by'abawanguzi.

Ekisaakaate kitandika nga December 7 okutuusa nga December 17 ku Gayaza Junior ne Gayaza High. Kitegekeddwa aba Future Stars Development Sports Program abeegulidde erinnya mu kuzuula n'okukuza ebitone mu ggwanga.

Maneja wa Chapa, Yasin Kazibwe, yategeezezza nti bawaddeyo ebimu ku bintu ebigenda okukozesebwa mu kisaakaate bagatteko n'abo abanaasukkuluma okubawa ettu eddene.

"Tukoze ku bimu ebyetaagisa okuyambako aba Future Stars era tulinze bazadde kuleeta baana baganyulwe mu nteekateeka eno," Kazibwe bwe yategeezezza.

Emizannyo 9 okuli; okubaka, omupiira, okuwuga, table tennis, badminton, basketball, chess, ttena ne scrabble gye gigenda okukwajja.

Akulira emirimu mu kibiina ekitwala badminton mu ggwanga era nga ye mukwanaganya w'ekisaakaate, Simon Mugabi yategeezezza nti bakugu mu kutegeka ekisaakaate nga kino kuba balina abasomesa abalungi abagenda okuwa baamusaayimuto ebyetaago. Yakunze abazadde okukozesa omukisa guno okutwala abaana baganyulwe mu kisaakaate olw'ebyafaayo mu ggwanga.